# Taata asse omuvubuka eyawadde muwala we akamuli ka valentayini

Bya WASSWA B. SSENTONGO

POLIISI y'e Matugga eyigga taata eyakkakkanye ku muvubuka n'amukuba emiggo egimusse ng'amulanga kuganza muwala we atanneetuuka.


Bino byabaddewo ku Lwomukaaga olwabadde olwa Valentayini, Hebert Lumu omutuuze ku kyalo Mabanda e Matugga bwe yakubye Martin Bukenya Male 18, emiggo egyamusse bwe yamusanze mu nnyumba ne muwala we ow'emyaka 14 ng'amuleetedde akamuli.

Bukenya abadde muyizi ku ssomero lya Hill Side SSS e Matugga ng'abadde asoma S6, ate omuwala (amannya galekeddwa) wa myaka 14 ng'asoma ku ssomero lye limu mu S3.

Kigambibwa nti, Lumu yakomyewo okuva safaali ku ssaawa 2:00 ez'ekiro n'asanga Bukenya ne muwala we nga bali mu nnyumba. Omuwala awaka abadde abeerawo ne bato be, nga nnyaabwe yagenda Buwalabu kunoonya ssente.

Akulira ebyokwerinda ku kyalo kino, Hamis Kizito yagambye nti, baliraanwa be baamuyise ekiro ne bamutegeeza nga mutuuze munnaabwe bw'akubye omuvubuka n'afa era n'adduka ne ku kyalo.

Kizito yagambye nti, guno si gwe mulundi ogwabadde gusoose Bukenya okukyala mu maka



Bukenya

gano, nti wabula Lumu yali yamugaana dda ng'amuteebereza okuganza muwala we. Nti lwe yasooka okumusanga awaka, yali agenda kumukuba era Kizito ye yamuwooyawooya, wabula n'amulabula obutaddamu kukyalawo.

Ku mulundi guno, bwe yamusanze awaka, omuwala n'adduka olwo Lumu n'asibawo omuzigo gw'abadde apangisa n'atandika okukuba Bukenya ng'akozesa waya y'amasannyalaze. Nti yalabye tekimumalidde, n'afuna ekisiki ky'omuliro n'ayongera okumukuba, okutuusa bwe yalabye ng'agonze.

Baliraanwa baategeezezza nti, baawulidde omwana ng'alaajana naye nga ennyumba nsibe, okutuusa bwe baawulidde nga tewakyavaayo kanyego, baagenze okuwulira ng'aggulawo kwe kwanguwa okulaba ogubadde naye baasanze Bukenya afudde nga ne Lumu ne ffamire bonna badduse.

Abatuuze baayise poliisi eyazze n'eggyawo omulambo ne gutwalibwa mu ggwanika e Mulago.

## AB'ESSOMERO BYE BAGAMBA

Dayirekita w'essomero lya Hill Side e Matugga Bukenya gy'abadde asomera, Bashir Kayongo yagambye nti, obusungu omuzadde bwe yakozesezza bwabadde bungi ekyabadde kiteetaagisa kuba ng'omuzadde yandibadde atuuza abaana bombi n'ababuulirira.

Yagambye nti enkolagana y'abayizi bano babadde tebagimanyi era singa babadde bagimanyi okuggyako okubamanya ng'abayizi ate nga bombi babadde basoma bava waka.

Omwogezi wa poliisi mu Kampala n'emirirano Racheal Kawala yagambye nti poliisi etandise okunoonyereza ku ttemu lino.

## Bye bagamba



**Sarah Namuddu: Ng'omuzadde, yandibadde abatuuza n'ababuulirira, okusinga okutta omulenzi.**



**Robinah Nalugya: Ekwewuunyisa, eyasse yafuna maama w'abaana be nga wa myaka 13 gyokka n'amuwasa. Ye nga tebaamutta?**



**Catherine Serunjogi: Abazadde tufuge obusungu. Nze ndowooza kati omusajja gy'ali, yejjusa kye yakoze.**